# Poliisi efulumizza ennamba z'essimu kw'oloopa ababbi, obutemu, obubenje, obutabanguko mu maka....

Bya SHARON NABASIRYE

POLIISI etereezezza mu mikutu gyayo omuntu waabulijjo gy'asobola okweyambisa okufuna empeerezaya.

Ennoongoosereza eno yayanjuddwa Dr. Aisha Kayongo omukungu wa Directorate of the Chief Political Commissar Uganda Police Force mu lukungaana lw'abamawulire ku kitebe kya poliisi ekikulu e Nagguru.

Dr. Aisha Kayongo agamba emirundi mingi babadde bafuna okwemulugunya mu bantu olw'okukaluubirizibwanga okukuba ku mikutu gya poliisi ne bafuna obuweereza bwe beetaaga nga y'emu


Dr. Aisha Kayongo

ku nsonga enkulu lwaki batereezezza.

Agamba mu budde nga buno obwa kampeyini , abantu bonna basaanye okuba n'ennamba za poliisi ez'ebitundu n'ez'ekitebe ekikulu okusobola okuloopa emisango gyonna egizzibwa mu kalulu wamu n'okuwaaba obutali bumativu bwabwe mu bitundu gye bawangaalira eri poliisi.

Agamba ennamba zino omuntu asobola okuloopako emisango egyenjawulo omuli obutemu, obubenje, obubbi, obutabanguko mu maka n'ebiringa ebyo wamu n'okusaba kabangali ya poliisi singa wabaawo obwetaavu bwayo.

## ENNAMBA EZANJUDDWA

**Abali ku oparesoni**
1.0800199699 2.0776999136
3. 0707600773
**Emisango egyekuusa ku kikula ky'omuntu**
0800199185
**Tulafiki** 0800199099
**Abalondoola emisango**
0800200093
**abalondoola enneeyisa y'abasirikale enkyamu**
0800199199, 0800199299
**Abazikiza omuliro**
0800121222, 0783738496,
079010820